
# Batenderezza Pass PLE afulumira mu Bukedde

Bya PATRICK KIBIRANGO

ABAYIZI n'abakulira amasomero bayongedde okwettanira okukozesa akatabo aka PASS PLE wa Bukedde ne batandereza omutindo gw'abasomesa abakasetingamu ebibuuzo ne nsa.

Omusunsuzi w'akatabo kano mu lupapula lwa Bukedde, Miriam Nambatya, ng'ali wamu ne Andrew Kamukama, omu ku bavunaanyizibwa okutunda empapula z'amawulire mu Vision Group baakyalidde agamu ku masomera agali mu nteekateeka eno okulaba bwe gakozesa akatabo ka PASS PLE n'okufuna ebirowoozo byabwe.

PATRICK KIBIRANGO



Omuyizi ku Busega Preparatory School ng'asomesa banne.



Abayizi ku ssomero lya Grand Getu Junior & Primary School e Kyengera Mugongo nga beesomesa nga bayita mu katabo ka PASS PLE wa Bukedde. Ku kkono ye Nambatya ne Kamukama aba Vision Group.

Eggulo baakyaddeko essomero lya Busega Preparatory School, gye baasanze ng'abayizi beesomesa nga bakozesa empapula za PASS PLE nga bwe bayambibwako abasomesa baabwe.

Dayirekita w'essomero, Robina Namyalo Lule, yategeezezza nti, PASS PLE ayigiriza abayizi okugabana ne bannaabwe ebyo bye bamanyi kubanga abayizi beenyigira mu kusomesa bannaabwe ekibayamba nabo benyini okwongera okubiteegeera.

Omukulu w'essomero lino, Babra Nalwoga, yagambye nti PASS PLE, asobozesezza abayizi baabwe okwejjukanya bye basomye era ne bayita bulungi n'akubiriza abalala okumwettanira.

Omuyizi ku ssomero lya Busega Preparatory, Pamela Nansubuga, yategeezezza nti PASS PLE abakoze bulungi kubanga ebintu bingi bye baali batamanyi nga babitegedde okuyita mu katabo kano.

Ate ku ssomero lya Grand Getu Junior & Primary School Kyengera Mugongo, alikulira, Nathan Ceaser Bwogi, yagambye nti, PASS PLE abakoze bulungi kubanga ayongedde enkolagana wakati w'abasomesa n'abaana nga bayita mu kwebuuzaku bibuuzo ebibeera mu PASS PLE n'asaba Bukedde okwongera okukuuma omutindo.

Ryan Kayanja, omuyizi ku ssomero lino yategeezezza nti basobodde okukola okunoonyereza okumanya ng'ebintu bye babadde batamanyi n'okulaba ng'obudde bwe babadde boonoonera mu biboozibozi babukozesaamu okusoma ebyamakulu.

Bukedde afulumya ebibuuzo bya PASS PLE buli wiiki ku lwa Mmande ne ku Lwokuna okuyamba okugezesa abayizi abali mu P7.

Nambatya, yasiimye omutindo gw'abayizi gwe baayoleesezza nga bakozesa ebibuuzo bya Pass PLE era n'abakubiriza okugenda mu maaso nga bakozesa akatabo kano nti tebajja kwejjusa.